BUJAGALI PROJECT NEWSLETTER Q3 2011

Amawulire okuva ku bbibiro ly'amasannyalaze ery'e Bujagali

http://www.bujagali-energy.com

Ebbibiro ly'amasannyalaze ery'e Bujagali , bbibiro erizimbiddwa kkampuni ya Bujagali Energy limited(BEL) ku mugga kiyira kumpi n'ekibuga ky'e Jinja era nga lyakuvaamu amasannyalaze agawereza ddala amaanyi ga megawaati 250. Abatadde ensimbi mu kuzimbibwa kw'ebbibiro lino be ba kkampuni ya Industrial promotions services limited nga bano batuula Kenya n'aba SG Bujagali Holdings limited abakolera wansi w'ekitongole kya Sithe Global Power LLC abasangibwa mu America.

Bujagali Energy Limited (BEL) egendedde ddala nnyo mu maaso ku mulimu gw'eriko ogw'okuzimba ebbibiro ly'amasannyalaze eriwereza ddala amaanyi ga megawaati 250.

Omulimo wegwali gutuuse mu mwezi gwa Mutunda nga 30 2011.

<u>Okutandika kwa ppulojekiti:</u> 26 Ssebaaseka 2007

<u>Ppulojekiti okutandika okufulumya amasannyalaze (Ekitundu ekisooka):</u> mu kwota y'omwaka 2011 eyookuna. Okuggya engalo ku ppulojekiti: mu kwota eyookubiri 2012.

Lino ly'ebbibiro ku ddyo erinaatera okuggyibwako engalo.

<u>Omulimu nga bwegutambula kati:</u>

- **Okukuba ppulaani y'ebbibiro kati kutuuse ku 99.5%**
- **Okugula ebikozesebwa kati kutuuse ku 99%.**
- **Okuzimba ebbibiro kwennyini kati kutuuse 95%.**

Waggulu be batuuze nga bayigirizibwa okutungisa ebyalaani.

OKUSSA MU NKOLA ENTEEKATEEKA EZIKWATA KU MBEERA Z'ABANTU N'OBUTONDEBWENSI (SEAPS)

Okussa mu nkola enteekateeka ezikwata ku mbeera z'abantu n'obutondebwensi kugendedde ddala mu maaso ne mu kwota eno eyookusatu (Kasambula – Mutunda) 2011. Ebikulu ebikoleddwako mu bbanga lino mwe mubadde okumaliriza omulimu gw'okusiba ppayipu z'amazzi mu byalo ebyo ebyakosebwa ppulojekiti, okuyamba abantu abo abatalina mwasirizi, okutwala mu maaso omulimu gw'okusaasaanya amasannyalaze, okukola ku nteekateeka eziruubirira okukendeeza ku buzibu obuyinza okutuusibwa ku by'obulambuzi ate n'ebirala ntoko.

Ekiwandiiko kino tukirina mu Lungereza ate ne mu Lusoga. Nkwagaliza okusoma okulungi. Mukulukusabitungotungo 2011.

Obweyamo bwa BEL. (From Lug. Version)

Ebyenjigiriza

Ekiwandiiko ekirimu ekirowoozo ky'okulaba nti amasomero agasangibwa ku lubalama lw'ebuvanjuba gayambibwako mu byenjigiriza kimaze okubagibwa. Ekirowoozo kino kisuubirwa okuteekebwa mu nkola amangu ddala ng'abakulembeze mu BEL bamaze okukiyisa okwo kwogatta n'enteekateeka endala eziri mu ddiiro ezikwata ku kuyamba abatuuze.

Enteekateeka ezikwata ku kuyamba abawejjere

Obulwaliro obutambuzibwa bwatuusibwa eri abatuuze abawejjere mu kwota eno. Abatuuze abawerera ddala 293 be bajjanjabibwa endwadde ez'enjawulo nga muno mwe muli

n'ezo ez'olukonvuba gamba nga obulwadde bw'entunnunsi, obulwadde bw'amawuggwe, ate n'ebifuba. Endwadde endala ezitigomya abakadde gamba nga ensenke n'okulumwa kw'omugongo nazo zajjanjabwa.

Ebikwata ku mazzi

Omulimu gw'okutambuza amazzi ga ttaapu mu kitundu ekyakosebwa ppulojekiti gugendedde ddala mu maaso, newankubadde wabaddewo okulwisibwamu okuleeteddwa ekitongole ky'ebyenguudo ekiruddewo okutukkiriza okusazisa amazzi oluguudo oludda e Kayunga. Kati twakasazisaako ppayipu za mu mulundi gumu okutuuka ku kifo ekinaasunda amazzi. Emirimu giyinza okumalirizibwa eyo mu kwota eyookuna 2011.

Waggulu ye nnyumba ezimbibwa omunaateekebwa ekyuma ekipika amazzi ku kyalo Naminya.

Okutumbula ebya bizinensi Okwewola

Wetwogerera kati nga ssente eziwerera ddala obukadde 299,120,000 zimaze okusaasaanyizibwa okuva enteekateeka eno lweyatandika. Okugaba looni zino n'okuzirondoola kukyagendera ddala mu maaso okutuuka eyo mu makkati ga 2012.

Ebyobulimi

Enteekateeka ekwata ku byobulimi yaggwa dda eyo mu kwota eyookuna mu mwaka 2010 era ebibala byayo byekenneenyezebwa oluvannyuma lw'ebbanga eggere.

Enteekateeka ku byobulamu mu kitundu ate ne ku kawuka akaleeta ekirwadde kya mukenenya.

Abatuuze n'abakozi b'oku bbibiro lyaffe bafuna obuyambi okuva mu Kitongole kya TASO nga muno mwe muli n'okubawa obupiira bukalimpitawa.

Mu kwota eno, omulimu gw'okuddaabulula eddwaliro lya Budondo HCIV gugendedde ddala mu maaso era nga kati ebizimbe bituuse ku woolopuleeti (Tuli mu kuzimba ekifo awatuukirwa abalwadde, ezzaaliro n'enju z'abasawo). Wetwogerera okuzimba kati kutuuse ku bitundu 55% ku ebyo 80% nga bwe byandibadde era omulimo gusuubirwa okuba nga guwedde mu mwezi gwa Ntenvu.

Okugula ebintu eby'enjawulo ebinaateekebwa mu ddwaliro kwatandikibwa era nga kusuubirwa okukomekkerezebwa mu mwezi gwa Ntenvu 2011.

Waggulu bye bizimbe ebiri mu kuzimbibwa ku ddwaliro ly'e Budondo.

Ebifo bya bizinensi

Ebifo eby'okuddukanyizibwamu bizinensi e Wakisi ne Budondo byakwasibwa ab'eggombolola zino era kati bizinensi zigenda bukwakku.

Okubangula abavubuka mu mirimu egy'enjawulo

Okutendeka abayizi kwakomekkerezebwa. Abayizi 47 ku abo 140 abaweererwa BEL baakutikkirwa mu mwezi gwa Mukulukusabitungotungo n'abayizi abalala ab'ettendekero mu mwaka guno.

Okubangula abatuuze mu mirimu egy'enjawulo

Omulimo gw'okusomesa abatuuze obukodyo mu mirimo egy'enjawulo mu byalo ebyakosebwa ppulojekiti, wetwogerera gugenda mu maaso. Enteekateeka eno eyatandikibwa mu mwezi gwa Kasambula, ejja kugendera ddala mu maaso okumalira ddala emyezi 6 era nga esuubirwa okutuuka ku Bantu 600.

Bujagali Energy Limited
PO Box 186, Jinja,
8 km Kayunga Road, Kikubamutwe,
Phone +256434132532/3 Fax +256434132534

Waggulu be batuuze abali mu kutendekebwa mu mulimu gw'okutunga.

Okubunyisa amasannyalaze mu byalo

Omulimu gw'okutambuza amasannyalaze okutuuka ku kyalo kye Naminya gwatandise mu kwota eno. Ekitongole ekivunaanyizibwa ku kusaasaanya amasannyalaze mu byalo (REA) kyewaayo okusasula ebitundu 70% ku ebyo byonna ebyetaagibwa mu mulimu gw'okutambuza amasannyalaze mu byalo byonna ebirala ebyakosebwa ppulojekiti ng'oggyeeko ekyalo Naminya.

Waggulu ye layini y'amasannyalaze egenda ku kyalo Naminya.

Okwebuuza ku Bantu ate n'abantu okweyabiza kkampuni.

Enkiiko

BEL ekyagendera ddala mu maaso okuba n'enkolagana ey'omuggundu n'abatuuze bonna abakwatibwako ppulojekiti ng'eyita mu kugonjoola obutakkaanya n'okwemulugunya okugenze kubaawo mu kiseera kino.

Okujjuza akayanja akali e mabega w'ebbibiro

Mu kwota eno, ppulojekiti yatandika okulanga ebirango eby'enjawulo mu mpampula z'amawulire ne ku zilaadiyo okulabula abatuuze bonna bave mu kitundu ekyo ekyalambibwa nti amazzi g'akayanja wegajja okukoma. Omulimu gw'okuzibikira amazzi g'omugga gusuubirwa okutandika mu kwota eyookuna mu mwaka 2011 era nga gujja kuvaamu okutondebwa kw'akayanja e mabega w'ebbibiro.

Okwongereza ku ebyo waggulu, okwebuuza, okutimba ebiwandiiko ebirabula, okumanyisa abakulembeze b'ebyalo ebisangibwa mu maaso ne mabega w'ebbibiro nga tuyita mu kubawandiikira amabaluwa nakyo tukikoze okusobola okubamanyisa ku nsonga y'okuzibikira amazzi g'omugga. Abakulembeze b'abavubi nabo twabategeeza mu buwandiike era kwogatta n'abantu bonna abakozesa omugga Nile abasangibwa wakati w'ebbibiro ery'e Bujagali n'eryo eddene erya Owen Falls.

Twabategeeza nti amazzi ga kweyongera okutuuka ku El-1112.0, nti era bwebaba nga mu kitundu ekyalambibwa balinamu ebirime oba ebizimbe, bandibadde babiggyamu bunnambiro obutasukka nga 1 Mukulukusabitungotungo 2011.

Waggulu lwe lukiiko lw'ekyalo ku nteekateeka y'okubunyisa amasannyalaze mu byalo n'okusalako kw'amazzi g'omugga.

Ebyobulambuzi

Mu kwota eno, BEL egendedde ddala mu maaso n'okuwagira ebikolebwa ku ludda lw'ebyobulambuzi. Okuddaabiriza eryato lyokwevugiramu mu budde obwa kalabirizabazaana eryagulibwa Adrift kuli mu kugenda mu maaso era nga kwogasse n'okugezesa eryato lino okulaba oba nga linaasobola okukozesebwa mu ngeri y'okulifunamu ensimbi, ekintu ekisuubirwa okutandika mu kwota eyookuna 2011.

Awo ye mukungu okuva mu BEL ng'alambula ekifo kya Adrift omuzannyo gwa "rafting"

wegunaatandikiranga ekisangibwa e Nazigo

Kontulakita owokukola oluguudo oludda ku kifo omuzannyo gwa "rafting" wegutandikira yafunibwa. Emirimu gyatandika mu makkati ga

Bujagali Energy Limited
PO Box 186, Jinja,
8 km Kayunga Road, Kikubamutwe,
Phone +256434132532/3 Fax +256434132534

Muwakanya (August) era omulimo gwaggweera mu bbanga lya mwezi gumu gwokka. Ku ntandikwa y'omwezi gwa Mutunda mu sizoni y'enkuba, hekiteya endala 14 zaasimbibwako emiti ginnansangwa ku kizinga kye Namakandwa ekisangibwa ekyemmanga w'ebbibiro ly'e Bujagali.

Awo omu ku b'akakiiko k'abannabutonde ng'alaga endokwa ezikuze era ezirindiridde okusimbibwa ku kizinga kye Namakandwa.

Ebikwata ku butondebwensi, ebyobulamu ate n'okwekuuma obulabe.

Okusimba Emiti ku mbalama.
Enteekateeka ezikwata ku kusimba emiti n'okuziyiza okukulugguka kw'ettaka zaggwa. Emiti egyasimbibwa girabirirwa ekitongole kya NEMA nga kikolera wamu n'abatuuze ba nnannyini ttaka mu kitundu.

Waggulu gye miti egisimbiddwa BEL ku mbalama.

Ebikwta ku nkuuma ya kasasiro.
Kasasiro atali wa bulabe n'oyo ow'obulabe yeeyongedde okwetuuma mu kifo awali ebbibiro wennyini ate ne mu kitundu awakubwa ensiisira. Kasasiro yenna ow'obulabe gamba nga biwoyiro ebikadde ne zi bbaatule, akuŋŋaanyizibwa ebitongole NEMA bye yawa olukusa. Ate oyo kasasiro yenna atali wa bulabe atwalibwa mu kkuŋŋaanyizo lya kasasiro erya musipaali y'e Jinja. Ebyuma byo ebikadde bitwalibwa n'ebirongoosebwamu ate nebikolwamu ebyuma ebirala. Obutundutundu bw'embaawo obugenda bufikka ku mbaawo ezikozeseddwa buweebwa abatuuze ng'enku.

Waggulu bye bicupa ebya pulasitiika nga byawuddwa bisobole okutwalibwa gyebinaasuulibwa.

Okwekenneenya ebikwata ku butonde obw'enjawulo.
Alipoota esunsuddwa obulungi ng'erimu ebyava mu kunoonyereza yakolebwa era neweebwayo mu mwezi gwa Muwakanya. Alipoota yalaga ebitonde eby'omunsiko ebiri mu kifo awali ebbibiro ate n'empenda ezirina okugobererwa okulaba nga tebukosebwa nnyo mazzi ga Kayanja akanaatondebwa. Enteekateeka y'okutaasa ebisolo emaze okubagibwa era ya kuteekebwa mu nkola mu kwota eyookuna 2011 mu budde bwennyini ennyanja mwesuubirwa okutondebwa.

Abagenyi
Abakungu okuva mu Bwakabaka bwa Buganda nga bakulembeddwamu omu ku b'amasaza ga Buganda baatukyalira okwerabirako ku mulimo nga bwegutambula. Beebaza nnyo BEL olw'enteekateeka zaayo eziruubirira okutumbula obulamu obulungi mu batuuze ate n'enteekateeka endala zonna ezissiddwa mu nkola okusobola okutumbula abatuuze.

Bujagali Energy Limited
PO Box 186, Jinja,
8 km Kayunga Road, Kikubamutwe,
Phone +256434132532/3 Fax +256434132534